


Omulimu.	Eky'okukola
Omulimu 1	**Bika bya bimera ki by'olaba mu kifaananyi?**  
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** Ebimera ebimulisa — Ebimera ebitamulisa Emmere — Langi eyakiragala Obutuli ku bikoola — Okussa

Omulimu 3	**Soma emboozi zino.** Ebimera byekolera emmere. Ebimera birina langi eyakiragala. Ebimera bissiza mu butuli obubeera ku bikoola. 
Omulimu 4	**Wandiika bino** Ebigoogwa obutuli ku bikoola entungo ensigo Ebimera bissiza mu butuli obubeera ku bikoola. Entungo kimera kirabika bulungi.
Omulimu.	 Jjukiranga okwambala akakookolo nga ogenda mu kifo eky'olukale.

ESSOMO 3

Omuyizi waffe omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okusomera ku migaso gy'ebimera eri abantu ate n'engeri abantu gye bagasa ebimera.
Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:



Obubaka bwa Kovidi 19: Bulijjo jjukiranga okutuula nga toliraanye bantu balala.





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Weetegereze ebifaananyi ozuule emigaso gy'ebimera eri abantu.**









<table>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Soma sentensi zino.
Ebimera bituwa ebisiikirize.
Ebimera tubijjako enku.
Ebimera bituwa omukka omulungi.

Weebale nnyo.</td></tr>
<tr><td>Omulimu3</td><td>Weetegereze ebifaananyi ebiraga emirimu abantu gye bakola egigasa ebimera.
<table>
<tr><td></td><td></td></tr>
<tr><td></td><td></td></tr>
</table></td></tr>
<tr><td>Omulimu 4</td><td>Wandiika bino.
<table>
<tr><td>ebimera abantu emigaso</td></tr>
<tr><td></td></tr>
<tr><td>Ebimera bituwa empewo ennungi.</td></tr>
<tr><td></td></tr>
<tr><td>Abantu bafuuyira ebirime.</td></tr>
<tr><td></td></tr>
</table></td></tr>
<tr><td>Obubaka bwa Kovidi.</td><td>

Bulijjo naabanga mu ngalo n’amazzi amayonjo ne ssabbuuni oba kozesanga sanitayiza.</td></tr>
</table>

EBITUNDU BY'EKIMERA EKIMULISA N'EMIGASO GYABYO
Essomo 1.

Omuyizi omulngi,oyanirizibwa mu ssomo lino mwogenda okuyigira ku bikoola


Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:



Obubaka bwa Kovidi: Bulijjo weewalenga okuliraana abantu abalala.





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	Bitundu ki eby'ekikoola by'olaba mu kifaananyi? 

Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** akasongezo obusiwa enkizi akakonda omubiri Weebale nnyo.
Omulimu 3	**Wandiika ebigambo bino.** obutuli sitaaki okutereka Oli mulingi.
Esoomo 4	**Wandiika sentensi eno.** Ebikoola bitereka emmere y'ekimera.
Obubaka	Obubaka bwa Kovidi 19: Bulijjo naabanga mu ngalo n'amazzi amayonjo ne ssabbuuni. 


ESSOMO 2.

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okusomera ku bika by'enduli z'ebimera ez'enjawulo.

Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:



Obubaka bwa Kovidi 19: Bulijjo jjukiranga okutuula nga weesudde akabanga okuva ku bantu abalala.



Omulimu	**Eky'okukola**
Omulimu 1	Weetegereze ebifaananyi bino owandiike ebimera bibiri ebirina enduli ezifaanana nga zino. 

Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** ekitooke kasooli ekijanjaalo akatunda etterekero amazzi emmere
Omulimu 3	**Soma erinnya ly'ekimera era okube ekifaananyi kyakyo.** Ekimera ky'ensujju. | Omuti gw'omuyembe.
Essomo 4	**Waandiika ebigambo bino ne sentensi.** ettabi okuwanirira okutereka olutobazzi Enduli ewanirira ebikoola n'amatabi. Enduli ezimu zitereka emmere n'amazzi.
Obubaka bwa kovidi 19.	Bulijjo bikkanga ku mumwa ng'oyasimula 

ESSOMO I.

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira ku mirandira.


Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:




Obubaka bwa kovidi: Buijjo jjukiranga obutatuula kumpi n'abantu abalala.





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Weetegereze ebitundu by'emirandira.**  Weebale nnyo

<table>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Soma sentensi zino.


Emirandira giwanirira ekimera nga kinywevu mu ttaka.
Emirandira gikozesebwa nga eddagala.
Emirandira giziyiza okukulugguka kw’ettaka.</td></tr>
<tr><td>Omulimu3</td><td></td></tr>
<tr><td>Omulimu 4</td><td>Wandiika bino.<table><tr><td>emirandira enkuba</td></tr><tr><td></td></tr><tr><td>Emirandira giwanirira ekimera mu ttaka.</td></tr><tr><td></td></tr></table></td></tr>
<tr><td>Obubaka</td><td>Weewalenga okunyiza nga tobisse ku mumwa ne ku nnyindo.
</td></tr>
</table>


OBULIMI

ESSOMO 1.

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira ku kukyusa ebimera ebisimbibwa mu nnimiro mu biseera eby'enjawulo.

Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:






Obubaka ku Kovidi 19 :Bulijjo jjukiranga obutaliraana bantu balala.





Omulimu	Eky'okukola
Omulimu 1	Weetegereze ebifaananyi olabe ebimera omulimi bye yasimba mu biseera eby'enjawulo.

Ekiseera ekyasooka.	Ekiseera eky'okubiri.
	

	Ekiseera eky'okuna.  Ekiseera ey'okusatu. 
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** ebirime okuwaanyisa ebiseera empeke
Omulimu 3	Wandiika ebigambo bino n'emboozi.
Omulimu 4	ebirime empeke okusala Okukyusa ebirime kiyamba okukuuma ettaka nga ddungi. Okubikka ennimiro kiyamba okukuuma amazzi mu ttaka.
Obubaka ku Kovidi	 Bulijjo yambalanga akakookolo akabikka ennyindo n'omumwa.

ESSOMO 2.

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira ku ngeri ensigo gye zimeramu.




Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:




Obubaka ku kovidi 19: Bulijjo jjukiranga obutaliraana bantu balala.





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	Weetegereze emmera y'ensigo zino.   
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** ensigo endokwa akamera akato amazzi okumerera waggulu
Omulimu 3	Wandiika ebigambo bino. waggulu wansi eggi
Omulimu 4	**Wandiika sentensi zino.** Ensigo ebeeramu akamera akato.


	Ensigo y’ekijanjaalo emera edda waggulu w’ettaka.
Obubaka bwa KOVIDI	 Weewale okubeera mu bantu abangi okwewala akawuka ka korona.

Engeri ensigo gye zimeramu

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mwogenda okuyigira ku ngeri ensigo gye zimeramu.



Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:







Jjukira obutaliraana nny bantu balala.





Omulimu	Ekyokukola
Activity 1	Weekkaanye ebibifaanayi bino. Olina ensingo z'omanyi ezimera bwe ziti?  
Omulimu 2	Soma ebigambo bino. Ensigo ezimera nga zidda waggulu w'ettaka Ensigo ezimera nga zisigala wnasi mu ttaka Ebiwayi by'ensigo emmera y'ensigo


Activity 3	**Wanadiika ebigambo bino** emmera empeke ensingo Empeke ya kasooli esigala mu ttaka bw'emera. Empeke y'ekijanjaalo erina ebiwayi bibiri.
Obubaka bwa Kovidi	 Bulijjo nnaabanga mu ngalo okumala obutikitiki 20.




Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:





Obubaka bwa kovidi 19 Bulijjo jjukiranga obutaliraanigana na bantu balala



Omulimu	Eby'okukola
Omulimu 1	**Weetegereze emmera y'ensigo eragiddwa mu bifaananyi.**  
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** waggulu wansi embajjo emmera
Omulimu 3	**Wandiika ebigambo bino.** okumera omuddo empeke Kasooli amera omutunsi gutunudde wansi. Ensigo ezimu zibejjukamu embajjo bbiri endala tezibejjukamu.
Obubaka ku kovidi 19.	 Naaabanga mu ngalo buli kiseera okumala obutikitiki waakiri 20.


OMULAMWA 7 : OKUKUUMA EBY'OBUGAGGA

OKUKUUMA EBY'OBUGAGGA.

ESSOMO 1.

Omuyizi omulungi,oyanirizibwa mu ssomo lino.

Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:




Omuyizi omulungi,mu ssomo lino ogenda kuyiga ku by'obugagga .

Weewale okuliraana omuntu yenna.







Omulimu	**Ekyokukola**
Omulimu 1	Weetegereze ebifaananyi. Byabugagga ki by'olaba? 
Omulimu 2	Soma ebigambo. Essaawa Ssente Ekizimbe **Kwataganya eky'obugagga n'erinnya lyakyo.**

	  
Omulimu 3	**Wandiika bino ennukuta n’ebigambo bino.** S S S s s s ssente essaawa
Omulimu 4	**Wandiika sentensi eno.** Ssente ssi zammwe.
Obubaka	 Bulijjo jjukira okwoza masiki yo ng’omaze okugyambala.

Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:






Omuyizi omulungi, mu ssomo lino ogenda kuyiga ku kutereka.






Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Olowooza abali mu kifaananyi balola ki?**     • Addaabiriza ngatto • Abantu basimbye olunyiriri mu bbanka • Ajjako amataala • Atereka ssente mu kabookisi
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino**

	okuddaabiriza ssente bbanka okutereka embalirira akabookisi
Omulimu 3	
Omulimu 4	**Wandiika ebigambo bino n'emboozi.** kutereka kabookisi Abantu batereka ssente mu bubookisi.
Obubaka	 Masiki yo gigolole oluvannyuma lw'okugyoza n'ekala.

ESSOMO 3

Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:







Omuyizi omulungi oyanirizibwa mu ssomo lino. Ogenda kuyiga ku kulembeka amazzi.

Weewale okutuula nga mweriraanaganye.





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	Bintu ki ebikozesebwa okulembeka amazzi by'olaba mu kifaananyi?   
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** enkuba tanka eppipa ensuwa ebbaafu esseppiki kalobo


Omulimu 3	**Wandiika ebigambo bino** eppipa esseppiki
Omulimu 4	**Wandiika sentensi zino** Maama alina eppipa wamu mw'alembekera amazzi.
Obubaka bwa Kovidi	 Weewale okuliraana abantu.

OKUKOZESA EBYOBUGAGGA

ESSOMO 1

Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:






Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino. Ogenda kuyiga ku nkozesa ya ssente. Weewale okuliraanagana n'abantu.





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	Abantu ssente bazikozesa ki?  

	 
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** okusaasaanya emmere ebyenjigiriza engoye obukuumi amayumba ebyobulamu entambula Abaserikale batukuuma
Omulimu 3	**Wandiika ebigambo bino.** okusaasaanya ssente Weebale nnyo.
Omulimu 4	**Wandiika sentensi zino.** Abazadde basaasaanya ssente ku byenjigiriza Abaserikale bakuuma bbanka.
Obubaka	 Nyiikira okunaaba mu ngalo n'amazzi amayonjo wamu ne ssabbuuni.


ESSOMO 2


Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:



Omuyizi omulungi,oyanirizibwa mu ssomo lino.Ogenda kuyiga ku ngeri gye tufunamu ssente.

Obubaka: Weewale okutuula okumpi n'omuntu yenna.





Omulimu	**Ekyokukola**
Omulimu 1	Empapula zino za ssente mmeka?   
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** obusuubuzi ebiweebwayo emisaala obuyambi amabanja Weebale nnyo.

Omulimu 3	**Wandiika ebigambo bino.** emisaala amabanja
Omulimu 4	**Wandiika sentensi zino.** Tukozesa ssente okugula ebintu. Abakozi babasasula emisaala.
Obubaka	 Jjukira okunaaba mu ngalo buli kiseera oba okukozesa sanitayiza.

ESSOMO 3

Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:






Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino.Ogenda kuyiga ku migaso gy'amazzi nga ekyobugagga.

Weewale okutuula okumpi n'abantu abalala.




Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Migaso ki egy'amazzi gy'olaba mu kifaananyi?** 
Omulimu 2	**Soma ekikwaaate kino** Abantu bakozesa amazzi Okukkakanya ennyonta Maama okozesa amaazi Okufumba emmere Bazimbi bakozesa amazzi Okuzimba amayumba Ebyuma bikozesa amazzi Okuwolaawolamu

	Naffe twozesa amazzi Okwoza engoye n'ebintu Oooo ,wabula amazzi Ga mugaso nnyo!
Omulimu 3	**Kuba ebifaananyi ebiraga abantu nga bakozesa amazzi mu ngeri bw'eti.** Okunywa . | Okwoza ebintu.
Omulimu 4	**Wandiika ebigambo ne sentensi eno.** kunywa kwoza kufumba Kakooza agenda kufumba mmere.
Obubaka bwa Kovidi	 Yambala masiki yo nga ebikka bulungi ennyindo n'omumwa gwo.

EBINTU BYE TUKOLA OMUVA SSENTE

LESSON ONE.


Oyanirizibwa mu ssomo lino.

Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:



Omuyizi omulungi ogenda kuyiga ku mirimu mwe tujja ssente.

Teweerabira kutuula nga weesudde akabanga okuva ku banno.




Omulimu	**Ekyokukola**
Omulimu 1	Weetegereze ebifaananyi. Abali mu kifaananyi bakola ki?  
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** Okulunda enjuki Okusimba emiti Okukuba amatoffaali Okulunda enkoko Okufumba keeki

Omulimu 3	**Soma ebigambo bino wamu n’emboozi.** Pulojekiti gwe mulimu ogukolebwa okufuna ensimbi n’obukugu Twetaaga ebintu bino okutandika emirimu egivaamu ssente. entandikwa[ssente] akatale ekifo entambula abakozi
Omulimu 4	**Wandiika ebigambo bino n’emboozi.** akatale ekifo abakozi Kuuma akatale nga kayonjo. Kino kifo kyange.
Omulimu.	 Nyiikira okwambala masiki yo buli lw’oba ng’ova awaka.

ESSOMO 2

Oyanirizibwa mu ssomo lino.

Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:




Omuyizi omulungi,ogenda kusoma ku kukozesa bbanka.

Lekawo ebbanga wakati wo ne gw'otudde naye.





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	Abali mu kifaananyi bakola ki?









Omulimu 2

Soma ekitontome kino.

Oooo! nyabo ssente
Ng'oli mulungi!
Okuumibwa butiribiri
Mu mabbanka yonna
Okugula ku mmere
Ffe tukozesa ggwe
Centenary ,Stanbic
Era tusangayo ggwe
Oooo! Maama ssente
Oli wa muwendo!

Omulimu 3

Wandiika ebigambo bino


bbanka bbanja ebbanga

Omulimu 4

Wandiika sentensi zino.

Bbanka ewola abantu ssente.
Kato asasudde ebbanja lya bbanka.

Obubaka





Nyiikira okunaaba mu ngalo buli lw'oyingira oba okufuluma ekizimbe kyonna.

ESSOMO 3

Oyanirizibwa mu ssomo lino.


Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:.






Omuyizi omulungi,ogenda kuyiga ku kulabirira ebintu ebivaamu ensimbi.

Lekawo ebbanga wakati wo n'omuntu omulala.




Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Yimba oluyimba luno** Musajja mugagga yalina ente ……yiyayiya wooooo Mu nte z'omugagga mwalimu ezirima …….yiyayiya wooooooo Nga zikaaba moooo ne zikaaba moooo Wano mooo, wali moo Buli wamu mooo mooo Musajja mugagga yalina ente ……..yiyayiawooo. [Yimba erinnya ly'ekisolo kyonna kye mulina awaka]
Omulimu 2	**Kati soma ebigambo bino.** obuwandiike

	okugabanya emirimu obunyiikivu emiwendo gy'ebintu okukumpanya okusaasaanya okugula
Omulimu **3**	**Wandiika ebigambo bino.** obuwandiike obunyiikivu
Omulimu 4	**Wandiika sentensi zino.** Obunyiikivu bukutuusa ku kugaggawala. Obuwandiike bwa mugaso nnyo kusuubula.
Obubaka ku KOVIDI	 Weewale okukwata omuntu yenna mu ngalo.

OMULAMWA : OKUKUUMA EDDEMBE MU GGOMBOLOLA YAFFE
OKUBEERA MU MIREMBE N'ABANTU ABALALA
ESSOMO 1

Omuyizi waffe omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira kungeri z'okubeera mu ddembe n'abalala


Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Soma ekitontome kino.** Emirembe ! Emirembe! Kirungi okubeera n'emirembe. Kirungi okugabana Okuzannya Okuseka. Ssaako n'okuyambagana Bulijjo leeta eddembe Eddembe! Eddembe! Kirungi okuba mu ddembe.
Omulimu 2	Bantu ki bano betuwa ekitiibwa?

<table>
<tr><td></td><td>



</td></tr>
<tr><td>Omulimu 3</td><td>Zannyako ne muzadde wo.</td></tr>
<tr><td>Omulimu 4</td><td>Wandiika sentensi zino.
Lukwago awa bazadde be ekitiibwa.

Abaazadde bazannya naffe okuleeta emirembe.
</td></tr>
<tr><td>Obubaka bwa kovidi 19</td><td>
Yozanga akakookolo ko ng’omaze okukakozesa.</td></tr>
</table>

ESSOMO 2.

Omuyizi waffe omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira ku biti by'abantu abakuuma eddembe gyetubeera.

Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:




Jjukiranga okutuula nga toliraanye bantu balala.





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	Weetegereze abantu bano abakuuma eddembe mu kitundu kyaffe.  

	 
Omulimu 2	Soma ebigambo bino. eddembe omuserikale omusomesa omuzadde owamagye pulifekiti omukulembeze
Omulimu 3	**Wandiika ebigambo bino.** eddembe ekitundu omuserikale omukulembeze
Omulimu 4	**Wandiika bino.** Omuserikale akuuma emirembe mu kitundu kyaffe. Bapulifekiti baakuuma emirembe nga batukwatisa amateeka ge ssomero .
Obubaka bwa Kovidi	 Buli lw'olwala gendanga olabe omusawo.

ESSOMO 3

Omuyizi omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mwogenda okuyigira ku migaso gy'okukuuma emirembe.



Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:




Obubaka bwa kovidi :Bulijjo jjukiranga obutaliraanagana na bantu balala.





Omulimu.	Ekyokukola.
Omulimu 1	Abaserikale mu bifaananyi bakuuma batya eddembe mu kitundu kyaffe?  
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** eddembe okwegatta ekkomera okukuzibwa okulagira Oli mulungi
Omulimu 3	**Kaakati wandiika ebigambo bino.** eddembe okwenyigira omuserikale ekkomera
Omulimu 4	**Wandiika sentensi zino.**


	Abantu abamalawo emirembe batwalibwa mu makomera. Abaserikale bakuuma emirembe mu kitundu kyaffe.
Obubaka bwa Kovidi 19	 Bulijjo gololanga akakookolo ko ng'omaaze okukooza.

EBYETAAGO BY'ABAANA N'EMIGASO GYABYO

ESSOMO 1

Omuyizi waffe omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira ku ddembe ly'abaana.



Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:




Obubaka bwa Kovidi19: Bulijjo jjukiranga obutaliraana bantu balala.






Omulimu	**Ekyokukola**
Omulimu 1	**Abantu abali mu bifaananyi bakola ki?**  

<table>
<tr><td></td><td> </td></tr>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Soma ebigambo bino.
eddembe
okunyumirwa okuzannya
emmere obujjanjabi Abuse
ebyenjigiriza erinnya

Kirungi nnyo.</td></tr>
<tr><td>Essomo 3</td><td>Wandiika ebigambo bino.<table><tr><td>eddembe ekitiibwa ensonga erinnya eddiini</td></tr><tr><td></td></tr></table></td></tr>
<tr><td>Omulimu 4</td><td>Wandiika sentensi eno.
Abaana balina okussaamu abakulu ekitiibwa.</td></tr>
<tr><td>Obubaka bwa kovidi 19.</td><td>
Bwo’ba tolina kakookolo weyambise ekisiikiriza amaaso,ennyindo n’omumwa.</td></tr>
</table>

ESSOMO 2
Omuyizi waffe omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira ku bireeta okutyoboola eddembe ly'abaana n'ebivaamu. Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:  **Obubaka bwa kovidi** 19: Bulijjo jjukiranga obutaliraana bantu balala.  

Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	Bintu ki by'olaba mu bifaananyi ebityoboola eddembe ly'abaana.    

<table>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Soma ebigambo bino.
okubulwa okutyoboola
obwavu okufa
okuva mu ssomero obulema
okufumbiza abaana abatanneetuuka</td></tr>
<tr><td rowspan="3">Omulimu 3</td><td>Wandiika ebigambo bono.
omwana okulabirira okuyonja akalwaliro</td></tr>
<tr><td></td></tr>
<tr><td></td></tr>
<tr><td>Omulimu 4</td><td>Kaakati wandiika sentensi zino.
<table>
<tr><td>Okutyoboola eddembe ly’abaana kubaviirako okuva mu masomero.</td></tr>
<tr><td></td></tr>
<tr><td>Obutalabirira baana kibajjako eddembe lyabwe.</td></tr>
<tr><td></td></tr>
<tr><td>Okutyoboola eddembe ly’abaana kibaviirako okufuna embuto nga bakyali bato.</td></tr>
<tr><td></td></tr>
</table></td></tr>
<tr><td>Obubaka bwa Kovidi 19</td><td>

Bulijjo naabanga mu ngalo buli lw’oyingira oba okuva mu kizimbe.</td></tr>
</table>


ESSOMO 3.


Omuyizi waffe omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira ku ngeri zokukomya okutyobola eddembe ly'abaana.


Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:



Obubaka bwa kovidi 19: Bulijjo jjukiranga obutaliraana bantu balala.



Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Abantu bano bakola biki ebiyinza okumalawo okutyoboola eddembe ly'abaana?** 
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino.** eddembe okuyigiriza obuwulize okusomesa okuwa ekitiibwa Weebale.

Omulimu 3	**Kaakati wandiika ebigambo bino.** okubonereza olubuto okuyigiriza abantu
Omulimu 4	**Wandiika sentensi zino.** Abantu ababoonyaabonya abaana babonerezebwe. Abantu bayigirizibwe ku bubi obuli mu kumalawo eddembe mu baana.
Obubaka bwa kovidi 19	 Bulijjo yambalanga bulungi akakookolo ko. Kalina okubikka omumwa n'ennyindo.


EKITUNDU KY'OMULAMWA: OBUVUNAANYIZIBWA BW'ABAANA
ESSOMO 1


Omuyizi omulungi oyanirizibwa mu ssomo lino mwogenda okuyigira ku buvunaanyizibwa bw'abaana.

Omuzadde/Ow'oluganda yamba omuyizi okufuna ebikozesebwa bino.



Obubaka bwa Kovidi: Bulijjo jjukiranga obutaliraana bantu balala




Omulimu	**Ekyokukola**
Omulimu 1	Buvunaanyizibwa ki abaana abali mu bifaananyi bwe bakola? 

Omulimu 2	**Soma ebigambo bino** okugondera eddembe okuyamba emirembe omunaku abazadde ebitone eggwanga abaana obuvunaanyizibwa
Omulimu 3	**Wandiika ebigambo bino.** eddembe okugondera ensonga
Omulimu 4	**Wandiika sentensi zino.** Abana balina obuvunaanyizibwa okuyiga. Abaana balina okussaamu abantu abakulu ekitiibwa.
Obubaka bwa kovidi	 Bw'obeera oyasimula bikka ku mumwa n'ennyindo ng'okoseza akatambaala.


Essomo 2 .

Omuyizi waffe omulungi oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira ku buvunaanyizibwa
bw'a baana awaka.

Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:



Obubaka bwa kovidi 19: Bulijjo ajjukiranga obutaliraana a bantu balala.



Omulimu	**Ekyokukola**
Omulimu 1	Abaana abali mu bifaanayi bakola ki?  

	 
Omulimu 2	**Soma ebigamo bino.** okufumba okwoza okulima enku okuyonja okukima okusaawa. Weeebale.
Omulimu 3	**Wandiika ebigambo bino.** okufumba okukuŋŋaanya okuyonja **Kirungi nnyo.**
Omulimu 4	**Wandiika sentensi zino:** Kasozi yafumbira jajja we emmere. Abaana bazannyisa ebyokuzannyisa ebiyonjo.
Obubaka bwa Kovidi 19.	 Bulijjo nyizanga mu katambaala oba akawero akayonjo.

ESSOMO 3.

Omuyizi waffe omulungi, oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira ku kweyonja.



Omuzadde oba omuntu avunaanyizibwa ku muyizi ono, muyambe okufuna ebikozesebwa bino:




Obubaka bwa Kovidi: Jjukiranga obutaliraana bantu balala.





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	Abantu abali mu bifaananyi bino bakola ki?    

Omulimu 2	**Soma ebigambo bino** okweyonja okwoza amazzi ekyangwe obuyonjo okunaaba omubiri ssabbuuni akalobo Okoze bulungi.
Omulimu 3	**Wandiika ebigambo bino.** okusala okuyonja engoye akalobo
Omulimu 4	**Wandiiika ebigambo bino.** Mubiru yeesala enjala. Engoye zaayozebwa mu kalobo.
Obubaka bwa kovidi19.	  Bulijjo weewalenga okuliraana abantu abalala.


OMULIMU OGW'OKUSOMERA AWAKA OGW'EKIBIINA EKYOKUSATU


TTAAMU 3

OMULAMWA 9: EBYOBUWANGWA N'EKIKULA KY'ABANTU MU GGOMBOLOLA YAFFE
EKITUNDU KY'OMULAMWA: OBULOMBOLOMBO MU GGOMBOLOLA YAFFE
ESSOMO 1


Omuyizi omulungi nkwaniriza mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira ku mikolo egy'enjawulo egikolebwa mu ggombolola yaffe.

Omuzadde naawe alabirira omuyizi osabibwa okumuwa ebintu ebiragiddwa mu kifaananyi ebinaamuyamba okuyiga obulungi essomo lino.






Bulijjo weewale okuliraana ennyo abantu osobole okwewala ekirwadde kya KOVIDI 19.



Omulimu 1	Ekyokukola	
Activity 1	**Soma ekikwate kino.** Oh! Oh! Oh! Obuwanga bwange! Obuwangwa bwange nga bulungi! Amazima ddala kkula Eri abantu ab'okumpi n'ewala.	


	Oh! Oh! Oh obuwangwa bwange! Ennyambala ey'ekinnansi Emnnyimba, amazina n'emizannyo Obuwangwa bwange wamma ddala kkula!
Omulimu 2	**Soma ebigambo bino mu lwatu** Embaga okwanjula olulimi okulamusa okwalula abaana okukuula amannyo ennyambala y'ekinnansi   
Omulimu 3	**Wandiika ebigambo bino n'emboozi** embaga | okwalula abaana | olulimi | obuwangwa a. Abaana abalungi babeera n'empisa. b. Ebyobuwangwa kkula. c. Abantu bambala ennyamabala ey'ekinnansi nga bagenda ku mikolo.
Obubaka bwa KOVIDI	Bulijjo yambalalnga akakookolo buli lw'ogenda mu bifo bya lukale osobole okwewala akukwakibwa akawuka ka korona. 

OMULAMWA 9: EBYOBUWANGWA N'EKIKULA KY'ABANTU MU GGOMBOLOLA YAFFE


EKITUNDU KY'OMULAMWA : EKIKULA KY'ABANTU

ESSOMO 2

Omuyizi omulungi oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira ku kikula ky'abantu. Omuzadde aba alabirira omuyizi osabibwa okumuwa ebintu ebiragiddwa mu kifaananyi ebinaamuyamba okuyiga obulungi essomo lino.



Jjukira obutasemberera nnyo bantu osobole okwawala ekirwadde ky KOVIDI 19.



Omulimu	**Ekyokukola**
Omulimu 1	**Menya amannya g'ebintu ebiri mu kifaananyi** 







Ekikula kye kubeera ekitonde ekisajja oba ekikazi.

Ekitonde	**Ekitonde ekisajja**	**Ekitonde ekikazi**
omuntu	musajja	mukazi
omwana	mulenzi	muwala
ente	nnume	nduusi
enkoko	mpanga	nseera

Omuwala 3

Wandiika emboozi n'ebigambo bino

ekikula abawala omulenzi abikazi abasajja
Abawala tebalinnya miti.

Obubaka bwa KOVIDI 19


Buli lw'oyambala akakookola, kakasa nti kakubikka omumwa n'ennyindo.




OMULAMWA 9: EBYOBUWANGWA N'EKIKULA KY'ABANTU MU GGOMBOLOLA YAFFE
EKITUNDU KY'OMULAMWA : OKUKUUMA OBUWANGWA
ESSOMO 3

Omuyizi omulungi oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ojja okuyigira engeri gye tuyinza okukuumamu obuwangwa bwaffe.

Omuzadde oba ggwe alabirira omuyizi osabibwa okumuwa ebintu ebiragiddwa mu kifaananyi ebinaamuyamba okuyiga obulungi essomo lino.



Weewale nnyo okuliraana abantu.



Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Kwataganya ebifaananyi n'ebigambo**  Omukolo gw'embaga  Omukolo gw'okunjula  omusomesa ayigiriza abaana okufumba

	 Omukolo gw'okuziika
Omulimu 2	**Kwataganya omukolo n'ebintu ebikozesebwa**  Mukolo gw'okuziika  Amazina g'ekinnansi  Omukolo gw'okwanjula
Omulimu 3	**Wandiika ebigambo n'emboozi zino** kwegezaamu kuyimba kusiga kukuuma Abayizi baazina amazina amaganda ku mattikkira. Mwami Bakaluba ye yasimba omubajjanjalabi guno.
Obubaka bwa Kovidi	Jjukiranga okunaanaabanga mu ngalo bulijjo. Yozanga akakookolo ko buli lunaku era okagolole okwewala ekirwadde kya KOVIDI. 

OMULAMWA 10: EBYOBULAMU MU GGOMBOLOLA YAFFE

EKITUNDU KY'OMULAMWA: EBIWUKA EBITAMBUZA ENDWADDE


ESSOMO 1


Omuyizi wange omulungi nkwaniriza mu ssomo lino mw'ojja okuyigira ebikwata ku biwuka ebitambuza endwadde.


Omuzadde oba alabirira omuyizi osabibwa okumuwa ebintu ebiragiddwa mu kifaananyi ebinaamuyamba okuyiga obulungi essomo lino.




Bulijjo weewalenga ebifo ebirimu abantu abangi.



Omulimu	**Ebyokukola**
Omulimu 1	**Biwuka ki ebitambuza endwadde by'olaba mu kifaananyi?** 
Omulimu 2	Kwataganya ekiwuka n'endwadde ze bireeta  mmongoo



omusujja gw’ensiri



ekiddukano



Nagana

Omulimu 3

Wandiika ebigambo bino n’emboozi

ensiri	ensowera	ekiyenje	omusujja gw’ensiri	enkwa


Ebiwuka bitambuza obuwuka obuleeta endwadde.

Endwadde zisobola okutambuzibwa ebisolo, ebinyonyi oba ebiwuka.

Ensowera zaagala nnyo ebifo ebijama.

Obubaka bwa Kovidi

Bulijjo yambalanga masiki buli w’obeera mu bifo bya lukale kubanga akawuka ka Korona kasobola okusaasaanyizibwa nga kayita mu mpewo.




OMULAMWA 10: EBYOBULAMU MU GGOMBOLOLA YAFFE

EKITUNDU KY'OMULAMWA: ENDWADDE EZISAASAANYIZIBWA EBIWUKA


ESSOMO 2


Omuyizi wange omulungi nkwaniriza mu ssomo lino mw'ojja okuyigira ebikwata ku ndwadde ezisaasaanyizibwa ebiwuka.

Omuzadde oba alabirira omuyizi osabibwa okumuwa ebintu ebiragiddwa mu kifaananyi ebinaamuyamba okuyiga obulungi essomo lino.



Jjukiranga bulijjo obutatuula kumpi na bantu.



Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Endwadde n'ebizireeta**  lebbiizi  Ekiddukano ky'omusaayi  Nagana  ekiddukano

<table>
<tr><td>Omulimu 2</td><td>Kwataganya ekiwuka n’endwadde gye kitambuza
 Omusujja gw’omu byenda
 Omusujja gw’ensiri
 mmongoota
 Dysentery</td></tr>
<tr><td>Omulimu 3</td><td>Wandiika ebigambo bino n’emboozi
obulwadde emusujja gw’omu byenda kkolera obuwuka

Endwadde zireetebwa obuwuka obusirikitu.

Ensowera zisaasaanya kkolera.
</td></tr>
<tr><td>Obubaka bwa KOVIDI</td><td>Ekirwadde kya Kovidi kisobola okukwata ssinga weekwata ku nnyindo, omumwa oba mu maaso ng’okozesa engalo enjama. Noolwekyo, bulijjo nnaabanga mu ngalo ng’okozesa ssaabuuni n’amazzi amayonjo.
</td></tr>
</table>


OMULAMWA 10: EBYOBULAMU MU GGOMBOLOLA YAFFE
EKITUNDU KY'OMULAMWA: AKAWUKA KA MUKENENYA
ESSOMO 3

Omuyizi omulungi nkwaniriza mu ssomo lino mw'ojja okuyigira ebikwata ku kawuka ka Mukeneya n'engeri gye kasaasaanyizibwamu.


Omukulu alabirira omuyizi osabibwa okumuwa ebintu ebiragiddwa mu kifaananyi ebinaamuyamba okuyiga obulungi essomo lino.



Weewale nnyo kusemberera abantu.



Omulimu	**Ekyokukola**
Omulimu 1	**Soma ekikwate kino** Iii obulwadde bwa ssiriimu! Bwe bulwadde zzisabyalo obumaze abalungi Butuggyeeko abazadde Butulese nfuuzi. Obulwadde obwo bubi nnyo. Olunnabe olwo lwe nnakyawa. Iii ddala Ssiriimu, mu butuufu ndifa nkulojja!  Obulwadde bwa ssiriimu buleetebwa akawuka ka ssiriimu. Akawuka ako kanafuya nnyo abaserikale b'omubiri.
Omulimu 2	**Menya amannya g'ebintu bino wammanga ebisobola okusaasaanaya akawuka ka ssiriimu ssinga bibeera bikufumise.**





Soma emboozi eno

Ekikwanso

Olwali olwo omulenzi Kato ng'eriggwa limufumita. Musajja wattu yakwata ekikwanso kye yasanga awo ng'atundula liggwa. Waayita emyezi esatu Kato n'atandika okulwala omusujja ogw'olutentezi. Teyalwa ng'agenda mu ddwaliro. Bwe baamukebera, baakamutema nti yalina akawuka akaleeta ssiriimu. Musajja wattu teyamanya nti ekikwanso kyeyakozesa okutundula eriggwa kyali kyakozesebwa omulwadde wa ssiriimu. Munnange tokozesanga ekintu kyonna ekifumita olususu ekyakozeseddwako omuntu omulala yenna.

Omulimu 3

Wandiika ebigambo bino n'emboozi

endwadde obwogi empiso okwekuuma
Akawuka ka mukenenya kaleetera omubiri okunafuwa.
Obulwade bwa ssiriimu buleetera endwadde endala nnyingi.
Abantu abalina akawuka ka ssiriimu basobola okukasiiga abalala.

Obubaka bwa KOVIDI


Jjukiranga okubikka ku mumwa n'ennyindo buli lw'oba ng'okolola oba ng'oyasimula.




OMULAMWA 10: EBYOBULAMU MU GGOMBOLOLA YAFFE
OMULAMWA 11: AMAGEZI AG'EKIKUGU MU GGOMBOLA YAFFE
EKITUNDU KY'OMULAMWA : BYE TUKOLA OKUVA MU BINTU EBIKOLEBWA ABANTU
ESSOMO 3

Omuyizi wange omulungi nkwaniriza mu ssomo lino mw'ojja okuyigira ebintu by'enjawulo bye tukola okuvu mu bitu ebikolebwa abantu.



Omuzadde oba alabirira omuyizi osabibwa okumuwa ebintu ebiragiddwa mu kifaananyi ebinaamuyamba okuyiga obulungi essomo lino.



Weewale nnyo okuliraana abantu.



Omulimu	**Ekyokukola**
Omulimu 1	**Soma ebigambo bino** akamotoka obuseke emipiira waya ensawo ebimuli labba ppulasitiika **Soma emboozi zino** Ebyokuzannyisa ebisinga bikolebwa mu ppulasitiika. Tukozesa ebimuli n'engoye okutimba. Ebisero tubitwaliramu ebintu mu katale.
Omulimu 2	**Kwataganya ebintu ne bye tubikolamu**  waya

<table>
<tr><td></td><td>
ppulastiika

Olugoye

labba</td></tr>
<tr><td>Omulimu 3</td><td>Wandiika ebigambo bino n’emboozi
ppulasitiika labba mupiira ebyokuzannyisa okutimba

Ppulastiika tumukolamu ebyokuzannyisa bingi.

Ebibbo tubitwaliramu emmere.
</td></tr>
<tr><td>Obubaka bwa KOVODI</td><td>Akawuka ka korona kafa ebbugumu noolwekya gololanga masiki yo buli lw’ogyoza
</td></tr>
</table>

OMULAMWA12: AMAANYI AGAKOZESEBWA MU GGOMBOLOLA YAFFE

EKITUDU KY'OMULAMWA: ENSIBUKO Y'AMAANYI

ESSOMO 1


Omuyizi omulungi oyanirizibwa mu ssomo lino mw'ojja okuyigira ebintu eby'enjawulo bye tujjamu amaanyi ge tukozesa mu ggombolola yaffe.

Omuzadde oba alabirira omuyizi, osabibwa okumuwa ebintu ebiragiddwa mu kifaananyi ebinaamuyamba okuyiga obulungi essomo lino.



Jjukiranga obutaliraana nnyo bantu olw'okwewala ekirwadde kya KOVIDI





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Soma ekikwate kino.** Oh! Mukwano gwange njuba. Omuboobevu ng'eryenvu Omwetooloovu ng'omupiira Oh! Wenna otemagana, Omasamasa olinga kyakulya! Njuba njuba!





	Ng'oli wa muwendo! Ggwe otuwa ekitangaala Ggwe otuwa ekirungo kya vitamiini Ggwe otuwa amaanyi aga ssola Oh! Njuba ng'oli wa muwendo!
Activity 2	**Soma ebigambo bino** amazzi empewo amaanyi ssola ensibuko embuyaga amafuta amasannyalaze amaanyi ebbugumu **Soma emboozi zino.** Emmotoka zeetaaga amafuta okutambula. Amasannyalaze tugakozesa mu bulamu obwa bulijjo.
Omulimu 3	**Wandiika ebigambo n'eboozi zino** embuyaga enjuba amazzi ekiwujjo amasannyalaze Amasannyalaze ga ssola gava ku njuba. Amafuta tugagula ku ssundiro.
Obubaka bwa KOVIDI	**Akawuka ka korona kayitira mu nnyindo, mu mumwa ne mu maaso kuyingira emibiri ggyaffe. Noolwekyo weewale okwekwata ku bitundu ebyo nga tonnanaaba mu ngalo.** 


OMULAMWA 12: AMAANYI AGAKOZESEBWA MU GGOMBOLOLA YAFFE

EKITUNDU KY'OMULAMWA: OKUKEKKEREZA AMAANYI


ESSOMO 2

Omuyizi omulungi nkwaniriza mu ssomo lino mw'ojja okuyiga engeri ey'enjawulo gye tusobola okukekkereza amaanyi ge tukozesa.

Omuzadde naawe alabirira omuyizi osabibwa okumuwa ebintu ebiragiddwa mu kifaananyi ebinaamuyamba okuyiga obulungi essomo lino.



Weewale nnyo kusemberera abantu. Bayiza okukusiiga obulwadde bwa KOVIDI.



Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Soma ekitontome kino** Bannadiini mwenna nammwe abasuubuzi Tulina obubaka bwammwe mubuwulirize. Nga bukwata ku mbeera eyaffe ey'obutunde Edobonkanye wamma n'eyitirira. Luno lwe lutalo ssematalo lwe tulina okulwana Tetujja kuwummula okutuusa nga tuluwangudde Lukwata ku mbeera eyaffe ey'obutonde Edobonkanye wamma n'eyonooneka! Kino ekibuuzo kwammwe abatemi b'emiti Abasalamala nammwe abookya amanda

Mutema emiti gyonna mulinga abawendule!
Emiti bwe ginaggwaawo olwo tunaakola tutya?


Wamma baana ba kitange leka tutaase ebibira.

Omulimu 2

Soma ebigambo bino

ebyoto	okuzikiza	okukuuma
okukekkereza	Ettaala z'amasannyalaze	ebitwetoolodde





Soma emboozi zino

Tusobola okukekkereza amasannyalaze nga:

- ⊕ Tukozesa ettaala ezikekkereza.
- ⊕ Tujjako ebintu by'amasannyalaze ebitakozesebwa.
- ⊕ Tukozesa ebyoto ebikekkereza
- ⊕ Tuzikiza enku buli lwe tumala okufumba.

Omulimu 3

Wandiika ebigambo n'emboozi zino


okukekkereza ebyoto ettaala y'amasannyalaze
Awaka tufumbira ku byoto ebikekkereza.
Ssali aggyeeko attaala.

Obubaka bwa KOVIDI.	**Akawuka ka Korona kasobola okuyitira mu mpewo. Noolweekyo yambalanga masiki okubikka omumwa gwo n'ennyindo buli lw'obeera mu bifo bya lukale.** 	

OMULAMWA 12: AMAANYI AGAKOZESEBWA MU GGOMBOLOLA YAFFE
EKITUNDU KY'OMULAMWA: OBULABE OBUVA KU MAANYI N'ENGERI GYE TUGEEWALAMU
ESSOMO 3

Omuyizi omulungi nkwaniriza mu ssomo lino. Ogenda kuyiga ku bulabe obuleetebwa ebintu bye tukozesa okufuna amaanyi n'engeri gye tubwewalamu.

Omuzadde oba alabirira omuyizi, osabibwa okumuwa ebintu ebiragiddwa mu kifaananyi ebinaamuyamba okuyiga obulungi essomo lino.





Bulijjo weewale nnyo okuliraana abantu osobole okwetangira endwadde.





Omulimu	Ekyokukola
Omulimu 1	**Soma ebigambo bino.** omuliro ekyeya okubbira okugwa ebiziyiza embuyaga ebizikiza omuliro okubbira kw'eryato ekyamaanyi okubalukawo amasannyalaze amataba Okwonoona


Omulimu 2	**Bulabe ki bw'olaba mu kifaananyi?**     Tuyinza tutya okwewala obulabe obwo waggulu?
Omulimu 3	**Wandiika ebigambo bino n'emboozi** omuyaga omusana ekyeya omuliro okubalukawo Embuyaga eyaamaanyi eyonoona ebirime. Tusobola okuzikiriza omuliro nga tweyambisa ekyuma ekizikiza omuliro.
Obubaka bwa KOVIDI	**Akawuka ka Korona kasinga kusaasaanyizibwa nga kava ku muntu omu okudda ku mulala. Noolwekyo weewale okuliraana abantu.** 



National Curriculum
Development Centre,
P.O. Box 7002,
Kampala.

www.ncdc.go.ug

This document was downloaded from https://exoticnotes.com



Do you need more LESSON NOTES for Primary (All classes)?

Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/

If you need LESSON NOTES for SCIENCE (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/science/

If you need LESSON NOTES for English (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/english/

If you need LESSON NOTES for Mathematics (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/mathematics/